Emikolo gya Umrah

Luganda لوغندية

1 Ihram

Okuleeta Niya (okumalirira) okuyingira mu mikolo

- Miiqaati eri abantu b'e Al-Sham ne Misiri: Al-Jahfa kiromita 186
- Miiqaati eri abantu b'omu Madinah: Dhu Al-Hulayfa kiromita 420
- Miiqaati eri abantu ba Iraq: Zhaatu irqi, kiromita 98
- Miaqaati eri abantu b'e Najd: Qarn Al Manaazil kiromita 99
- Miiqaat eri abantu b'e Yamani: Yalamlam kiromita 99

Abatambulira mu nnyonyi bakola ihraam nga banatera okutuuka okumpi ne miiqaati nga bali waggulu.

2 Okwetoloola Kaaba

Enneetooloola 7 okuva ku jjinja eriddugavu okutuuka ku jjinja eriddugavu.

Entandikwa Enkomerero

3 Okusaalira emabega w'ekifo Nabbi Ibrahim weyayimirira (bwekiba kisobose)

Emirundi musanvu

Otambula nga tonnaba kutuuka ku bendera ebbiri eza kiragala, n'oluvannyuma lwazo Odduka oludduka olw'amaanyi ennyo wakati wa bendera ebbiri eza kiragala, ekyo kya basajja bokka.

4 Sa'ay (okutambulira) wakati wa As-Swafa ne Al-Marwah

As-Swafa

Al-Marwah

5 Okusala enviiri oba okuzikendeezaako

Okusala enviiri oba okuzikendeezaako, ekyo kya basajja. Omukazi akendeeza ku nviirize ekigero ekyenkana inchi emu.

Ebikugirwa nga omaze okumalirira okukola emikolo (Ihraam)

1 Okusala enviiri
2 Okusala enjala 3 Okukozesa kalifuuwa 4 Okuwoowa oba okuwoowesa
5 Okwegatta mu nsonga z'ekifumbo
6 Okutta ebiyiggibwa by'okulukalu

Omuteeko gw'ebiziyizibwa eri abasajja bokka

1 Okwambala ebitungiddwa, nga bino bibeera ku mubiri, nga engoye, oba ku kiyungo kyonna mu biyungo
2 Okubikka ku mutwe n'ekintu ekyeerippa, gamba nga ekitambaala n'enkoofiira

Omuteko gw'ebiziyizibwa eri abakyaala bokka

1 Okubikka ekyeenyi (mu maaso) ne niqab oba burqa Naye bwewaba waliwo abasajja, abikka ekyeenyi kye (mu maaso) nga akozesa n'olugoye n'ebirufaanana
2 Okwambala ebisabika ebibatu

Ebyagalwa mu kukola Umrah

1. Okusala enjala n'enviiri ez'etaagibwa okusalibwa oluberyeberye lw'okumalirira okuyingira mu mikolo (Ihraam)
2. Okunaaba mu kasera k'okumalirira okuyingira mu mikolo (Ihraam)
3. Okwekuba kalifuuwa ku mubiri, ekyo kiri eri basajja
4. Okwambala enkutu n'essuuka ebyeru byombiriri, ekyo kiri eri basajja
5. Okwoogera ebigambo: (LABBAYKA ALLAAHUMMA LABBAYKA. LABBAYKA LAA SHARIIKA LAKA LABBAYKA. INNA AL HAMDA WA ANNI-IMATA LAKA WA AL MULKU. LAA SHARIIKA LAKA) okuviira ddala mu kaseera k'okumalirira okuyingira mu mikolo (Ihraam) okutuusiza ddala ku kweetooloola (Ka-abah).
6. Okubikkula ekibegabega kya ddyo mu kaseera k'okweetooloola, ekyo kiri eri basajja
7. Okunyweegera ejjinja eriddugavu
8. Okwanguwako ku mirundi esatu ejisooka
9. Okusaala eraaka bbiri emabega w'ekifo Nabbi Ibrahim weyayimirira (Maqaam Ibrahiim)